**20TH September 2015.**

# OBUGUMU MU BULUMBAGANYI.

**Yokaana 15:18 – 16.**

Mu bbagumya n'omuddiŋŋano gw'ebigambo mu kaseera Yesu ke yalina okuba ng'asiibuliramu Abayigirizwa be era minywaanyi gye, kyokka nga bwaabaggumiza amazima, tulaba nti tekyamulobera bateekateekera buvune bwe baali boolekedde okuva eri ensi eno emannyiddwa ng'amatwaale ga Setaani oyo omulabe wa Yesu nnakinku era ow'obulabe eri byonna eby'obwakabaka bwe naddala ababaka be abaali balekwaawo okuba abasigire be ku nsi eno.

Ky'ava abagamba mu nny. 18,n'okweyongerayo…..[*Tusome okutuuka ku 25*]. Baali balabye n'agaabwe obukyaayi Abafalisaayo, n'abakulembeze b'Abayudaaya bonna bwe baalina eri Yesu, era kabekasinge osanga y'emu ku nsonga ezaabaleetera obweelariikirivu Yesu bwe yabagamba nti agenda baviira abeeko gyagenda yekka!
Naye mu bbakakasa nti nga bwe baamuyisa era bwe baali bagenda okumuyisaamu, bwe balibayisaamu kyaali kyakubayamba mu buliwo ne gye buggya, - mu buliwo nti bagume mu bweeteekerevu (..Kijj'omanyi kinyaga bitono) era ne gye buggy anti banaabudaabudibwa nga bwe gwaali mu Bikolwa by'Abatume 4 ne 5..:41..
Omutume era eyali omuyigganya nnakinku Paulo yagamba mu Bafiripi 1:28,29 nti ……, era yagumya Timoseewo mu II Tim. 3:12 nti ……..
Peetero kye yava agamba mu I Pet.4:12 – 16 nti……
Kyetulaba kikwaataganyizibwa bulungi ne'nny.26 – 16:4…………

Tulaba era okusuubizibwa okukulu kw'Omwoyo Omutukuvu, omubeezi ow'annamaddala mu nny.5 -16…..
Mu bino tulaba obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu eri ensi mu nny.8 – 11 nti..
Ne tulaba n'obuweereza bwe eri abakkiriza, obw'ekyo ekiyitibwa okubikkulirwa..lnny.13 – 15….

Mu bye tulaba abannyonnyola mu nny. eziddako okuva ku 17 – 31, tulaba okukkiririza mu Yesu bwe kutuukirizibwa mu bayigirizwa………

Yesu yakomekkereza ng’abakakasa mu nny.32 – 33 nti……

We tulabira obugumu mu bulumbaganyi obutukakasa okuba abawanguzi n’okukirawo ng’Omutume Paulo bwe yagamba mu Baruumi 8:31 -39 nti……